# EKITABO KY'ENDAGIRIRO EKITABO EKIRAGA ENKOZESA YA APP

APP VERSION: 1.2.7

Abavubi FISHER

german cooperation
DEUTSCHE ZUSAMMENARBEIT

giz Deutsche Gesellschaft für Internationale Zusammenarbeit (GIZ) GmbH

SUSTAINABLE DEVELOPMENT GOALS

FFOU

www.abavubi@ffou.org

# Ebirimu/ENDAGIRIRO

**1.0 Ebikulu by'olina okumanya** **3**

1.1 Ennyanjuli ro 3

1.2 App: Ebirambika enkola ya Appu 3

**2.0 Mu bimpimpi** **3**

2.1 Ebyetaagisa Okuba na byo Okusobola oku kozesa App 3

2.2 Abakozesa App eno ku mitendera egy'enjawulo 4

**3.0 Engeri gy'oyinza okussa ka App kano ku ssimu yo eya smartphone** **4**

3.1 Ku kibanja k ya Google Pl ay Store 5

3.2 Ab avubi Fisher Web portal 5

**4.0 Okwewandiisa n'okukozesa App yaffe** **5**

4.1 Emiga nyulo 6

4.2 Omu ntu ayagala okw eyunga ku App eno 6

4.3 Okw eyunga ko 6

4.4 Okukyusa ennamba yo ey'ek yama oba Ppaasi waadi n'endabi ka ya App ku ssimu yo. 7

**5.0 Awatandikirwa** **7**

**5.1 Ebiri ku Abavubi Fishers App.** **8**

5.1.1 The Mark etplace /Akatale 8

5.1.2 Okukola order / Okugula ku mutimbagano 9-11

**5.2 Enkola y'embalirira yo** **12**

5.2.0 Mu bufunze 12

5.2.1 App eku yamba etya oku kozesa en kola y'embaliri ra yo ssekinnoomu 12

5.2.2 Okug atta ko Kasi toma 12

5.2.3 Okug atta ko supplier 13

5.2.4 Okulaga en nyingiza n'ensaasaa nya 13

5.2.5 Reports 13

5.2.6 Alipo ota ku Kasi toma ne Suipplier 14

**5.3 Akapeesa ka Safety & Navigation** **14-15**

**5.4 Akapeesa ka Fishing and Breeding Sites** **15**

# 1.0 Ebikulu by'olina okumanya

## 1.1 Ennyanjuliro

Abavubi Mobile App ppulojekiti eri mu buvunaanyizibwa bwa Responsible Fisheries Business Chain Project ng'ezimbiddwa aba Federation of Fisheries Organizations in Uganda – FFOU ekibiina ekigatta ebibibiina byonna ebivunaanyizibwa okulaba nga waliwo omutindo mu nvuba era ekiyambibwa n'okuvujjirirwa ab'ekibiina kya German Cooperation.

Enkola eya ka App akoogerwako egendereddwamu okuyamba abo bonna abeenyigira mu mulimu ogwogerwako ogwobuvubi okumanyisibwa ebigenda mu maaso mu mulimu, okumanyisibwa ku biki ebitambula mu mulimu, okufuna n'okwekenneenya buli kalonda akwata ku byobuvubi mu ggwanga.

Enkola eno eya ka App ejja kumanyisanga mu bwangu be kikwatako embeera y'obudde, ebifa ku nnyanja, ebifa mu butale era App eno ejja kubeera nga ebawa endagiriro ku nnyanja oba ng'ebayamba okusoma mmaapu ku nnjanja n'okubawa endagiriro y'entabula ennu amu. Kino kya kuteekawo enkola ey'omulembe mu bavubi ebafuula abamanyi era ab'omuzinzi mu mulimu gwabwe.

## 1.2 App: Ebirambika enkola ya Appu

Okutwaliza awamu Abavubi Fishers Mobile App erimuemitendera gino:-

a) Okwewandiisiza ku mutimbagano oba ku App kwennyini
b) Akatale gye kali
c) Personal Accounting Module
d) Endagiriro n'ensoma ya mmaapu
e) Kkoodi ya USSD –Ekola ne bw'otabeera ku mutimbagano.
f) In – App Help Module – Kkoodi kwosobola okufunira obuyambi ng'obadde olina ky'oyagala okumanya.

# 2.0 Mu bimpimpi

Mu katundu kano onnyonnyolwa ebintu ebyetaagisa ku ssimu yo eya Smart Phone ebiyinza okusobozesa ka App kano aka Abavubi Fisher Application okukola wamu n'emitendera gyako.

## 2.1 Ebyetaagisa Okuba nabyo Okusobola okukozesa App

Olina okubeera n'essimu ey'ekika kya smart phone ng'eriko enkola emanyiddwa nga Android ku mutendera ogutuuka ku 4.0.3 kubanga essimu ey'ekika kino y'erina ebirungo n'ebinnonogo ebyetaagisa App gye twogerako okukola obulungi. Okukozesa App eno eya Abavubi Mobile App ku ssimu yo weetaaga okubeera ng'oli ku mutimbagano oba Yintaneeti. Essimu yo erina okubeera nga bino ebikola.

## 2.2 Abakozesa App eno ku mitendera egy'enjawulo

Abakozesa App eno bagwa mu biti 5

a) Omuvubi
b) Omusuubuzi/Abasuubuzi b'ebyennjanja
c) Ab'amakolero g'ebyennjanja agoongerako omutindo
d) Abatunda ebikozesebwa mu byobuvubi
e) Abaguzi

Obuvunaanyizibwa

a) Omuvubi: Ateekeddwa okubeera nga yeewandiisizza mu kibiina  Minisitule yebyobuvubi ky'emaanyi obulungi.

b) Abasuubuuzi b'ebyennyanja: Bano be bagula ku bavubi ate nabo ne baguza abantu ku mutendera ogusembayo.

c) Bannamakolero:  Asobola okubeera omuntu sekinnoomu, abantu abeegattira mu kibiina, kkampuni oba ekibiina kyonna ekitunda eby'ennyanja nga kyongeddeko ku mutindo.

## 3.0 Engeri gy'oyinza okussa ka App kano ku ssimu yo eya smartphone

App yaffe eya Abavubi Fisher Mobile App  nnyangu nnyo okussa ku ssimu yo ng'ogoberera bino. Ng'okozesa essimu yo eya Smartphone genda  ku kibanja ekya Google Playstore  oluvannyuma  ogende ku  The Abavubi Web portal ogoberere  endagiriro.






## 3.1 Ku kibanja kya Google Play Store

Ggulawo ekibanja kino ku ssimu yo. Genda ku Play Store nga bwolagiddwa wammanga.

Bwotuuka ku kibanja kino, nnyiga ku kapesa ka  Google Play. Teekamu ekigambo abavubi.

Nnyiga ku kigambo abavubi ogoberere endagiriro. Oluvannyuma ojja kulaba ekigambo ky'Olungereza  INSTALL. Nnyiga ku kigambo ekyo. Ka App kaffe kano kajja kugenda ku ssimu yo butereevu.


## 3.2 Abavubi Fisher Web portal

Ka app kaffe osobola okukassa ku ssimu yo butereevu ng'ogobererera endagiriso nga bw'olagiddwa wammanga.

Nyiga ku kapeesa akaliko  Google Play

Gulawo ekibanja  kya google oba  chrome oba mozilla firefox oba ekirala kyonna ku ssimu yo oba ku  computer yo. Oluvannyuma yingizaamu  www.abavubi.org  okuggulawo  Abavubi web portal. Goberera endagiriro.

Nyiga akapeesa ka Google Play, olwo oyingire mu  Play Store




Bw'otuukawo ejja kuleeta ekigambo INSTALL. Bw'onyiga akapeesa ka INSTALL olwo ka App ojja kuba okateeka ku ssimu yo butereevu.

## 4.0 Okwewandiisa n'okukozesa App yaffe

Omuntu akozesa App yaffe eya  Abavubi  mu mbeera eno tutegeeza oyo yenna atweyunzeeko n'ekigendererwa ky'okumanya akatale k'ebyennyanja gye kali ate era ayagala okugula ebyennjana ng'akozesa enkola eyomutimbagano. Tewali kigendererwa kirala okujjako okugulira ku mutimbagano okukyusa ennamba zaabwe ez'ekyama oba n'okwagala okwewandiisa.

## 4.1 Emiganyulo

Akozesa app yaffe asobola okufuna bino.

- Okulaba olukalala lwebintu ebitundibwa oluteereddwa abatunzi ku mutimbagano gwaffe mu butale
- Okumanya obutale gye buli
- Okusobola okwebuuza ku miwendo
- Okwebuuza ku mutindo gw'ebitundibwa
- Okumanyisibwa ebigenda mu maaso mu kisaawe kino
- Okugulira ku mutimbagano
- Okumanya emiwendo ku mutimbagano
- Okufuna akatabo kano buli luvannyuma lwa bbanga ggere

## 4.2 Omuntu ayagala okweyunga ku App eno


Ng'omaze okussa ka App kaffe aka Abavubi App ku ssimu yo kajja kweggula mu bwangu nga bwe kiragiddwa wammanga olwo okweyungako kubeere kwangu gy'oli. Ojja kubeera ng'ojjuzaamu ebyo ebikusabiddwa nga kiwedde.

Bwokoona ku kapeesa ka REGISTER akalagiddwa ku mukono ogwaddyo ojja kuweebwa Ffoomu y'okwewandiisa ogijjuze

Ffoomu eyo ejja kwetaaza ebikukwatako ng'amannya go, ekikula kyo, ennamba y'essimu n'okukusaba okujjuzaamu ennamba yo ey'ekyama gy'onaakozesanga okuggulawo Abavubi App.

Weetegereze: Bwonaabeera weewandiisa olina okumanya nti Amateeka n'obukwakkulizo bigobererwa okukozesa Abavubi App.

## 4.3 Okweyungako





Kati omaze okufuna ennamba yo eyekyama osobola okugiyingizaamu mu App yaffe n'ofuna empeereza ya App yaffe

## 4.4 Okukyusa ennamba yo ey'ekya ma oba Ppaasiwaadi n'endabika ya App ku ssimu yo.




Nnyiga ku kapeesa aka My Pro-**file akalagiddwa wansinsi ku ddyo** Londako/ Genda ku Password TAB. AWO OSOBOLA OKUSSAAMU PPASSWORD EMPYA.




## 5.0 Awatandikirwa

App ya Abavubi Mobile Application kati eri ku ssimu yo yo. Awatandikirwa wajja kweraga n'okukulaga obupeesa bw'olina okunyiga nga bwe bakulaga mu kifaananyi kino.

Oluggulawo, Awatandikirwa wajja kuleeta obupeesa obukulaga ekyokukola. Waliwo n'obulango obujja okubeera nga buyitin-gana.

Awatandikirwa waliwo ebintu ebikulu 4 The Marketplace, Safety module, Account -ing Module, ne Fishing Breeding


Wansi wateereddwayo obupeesa buno My **Orders , My profile ne Help ate nga buku-**sobozesa okuddayo gye watandikidde 5.1 Ebiri ku Abavubi Fishers App.

## 5.1 Ebiri ku Abavubi Fishers App.

Ebiri ku App bye bikulambika ku ngeri gy'ekolamu. Kyoyagala kyosongako era kye bakulaga n'emiwendo gyakyo.

### 5.1.1 The Marketplace /Akatale

Kano katale ku mutimbagano. Ky'ogula okirabako, ky'otunda okirabako. Emiwendo gibeera giragiddwa. Osobola okulaba ebika by'ebyennyanja ebiri ku katale n'emiwendo gyabyonga bwe girambikiddwa buli lunaku nga bwe kiragiddwa mu kifaananayi wano.






## 5.1.2 Okukola order/ Okugula ku mutimbagano

a. Songa ku kika ky'ekyennyanja kyoyagala okugula

b. osobola okusonga ku kyoyagala okusinziira ku muwendo, okuva mutunzi gwosimye n'olaga n'obungi bwekyo kyoyagala

c. kozesa (+) oba (-) okulaga obungi bwebyennyanja by'oyagala











Bwomaliriza nnyiga akapeesa ka Add to Cart




e. Nnyiga akapeesa ka Pay Now ogobere endagiriro



f. Okusasula nnyiga akapeesa ka Pay Now







Wano weekeenneenya oba ebintu by'osabye byebyo. Oli wa ddembe okutoolako oba okwongerako

App engeri gyekuyamba okugulira oba okutundira ku mutimbagano:

## Omuntu ng'agula


### Kino kiri mu mitendera esatu (3);

Omutendera 1: Pending – Ku mutendera guno order yo etuuka ku oyo asuubuza oba atunda ebyennyanja.

Omutendera 2: Processing – Omutunzi order yo agirabye era bw'amala okugiraba n'akulagira okunyiga eppeesa lya PAYNOW n'olinyigako era n'omusasula ng'okozesa enkola ya Mobile Money.

Omutendera 3: Processed – Ng'omaze okusasula ng'okozesa enkola ya money system. Ekiddirira kufuna ndagiriro ebintu byoguze ne bikutuusibwako nga mukozesa App yaffe.

g. Abagulira n'okutundundira ku mutimbagano eno y'enkola




Nga bwolaba mu order eyasoose nga njagala okugulira ku mutimbagano bwe ngisindika egenderawo ku mutendera ogusooka.

Pending kitegeeza- Olinda omutunzi okuddemu

## Omuntu atunda

Wano kimu kyokka kye kyetaagisa;

h. Atunda bw'anyiga eppeesa lya Approve – omuguzi afuna akagambo Processing.





## Okusasula

Eppeesa lya Pay Now


Eppeesa lya Pay now lyonyiga kubanga atunda abeera amaze okukkiriziganya naawe ku miwendo.


i. Omuguzi bwanyiga eppeesa lya Pay Now abeera agenda kusasulira bintu bye byalagirizza ngakozesa ensasula eri ku mutimbagano





## Okusasula

h. Okusasula omuguzi akozesa MOBILE MONEY ng'ayingizaamu password ye ssente ne zigenda eri oyo amuguza. Atunda bwamala okufuna ssente olwo ekiddirira kulaba ngeri







## 5.2 Enkola y'embalirira yo ssekinnoomu

### 5.2.0 Mu bufunze

Embalirira yo ssekinnoomu eraga ennyingiza yo, ensaasaanya, ebintu ebikalu ebireeta ssente n'ebyo ebizifulumya wamu n'olukangaga olulaga engeri gy'otunzeemu ebyennyanja na biki by'osaasaanyirizzaako ssente. Alipoota eno esobola okuyamba omuvubi, omusuubuzi n'omuguzi okumanya bbizinensi ye nga bwetambula n'amanya oba ekola amagoba oba ssente asuula nsuule. Olukanganga luno lusobola n'okumuyamba okwewola ensimbi ensaamusaamu okuva mu bbanka oba okusobola okufuna looni.





### 5.2.1 App ekuyamba etya okukozesa enkola y'embalirira yo ssekinnoomu



Akabonero (+) buli lwokanyigako obeera ogattako omuwendo okulaga ensimbi z'oyingizza.

Ku ddyo buli lwonyiga + osobola okuyingizaamu bakasitoma abakuguzeeko mu lunaku, okulaga omuwendo gw'ebyotunze, ssente zosaasaanyizza.




### 5.2.2 Okugattako Kasitoma


Bwonyiga ku ppeesa Customer ffoomu ku mukono ogwaddyo bwenaggulawo ejja kukwetaaza okujuzaamu ebikwata ku kasitoma wo.

Jjukira nti ggwe nnannyini bbizinensi kyandibadde kirungi bakasitoma bo okubanyisanga buli kapya akabeera kaguddewo buli kiseera.
Bwomala okuyingizaamu ebikwata ku Kasitomao ojja kufuna obubaka obugamba nti"Created Customer"



### 5.2.3 Okugattako supplier

Nnyiga akapeesa ka (+) londako ekigambo supplier,  bwomala nnyiga eppeesa lya SAVE. Ojja kufuna obubaka obukugamba Created Supplier"





**Alert()**





### 5.2.4 Okulaga ennyingiza n'ensaas-aanya

Endagiriro era onyiga ku kapeesa ka  (+) okulaga ennyingiza n'ensaasaanya


Okulaga kyotunze ( Londako Kasitomer gw'oguzizza) oluvannyuma nnyiga eppee-sa lya Save.




Ojja kufuna obubaka okukulaga nti esaas-aanya egattiddwako




### 5.2.5 Reports





Lipooti eraga ennyingiza ensaasaanya osobola okuzifuna ng'onyiga ku mapeesa gonsatule ku ddyo. App yaffe ejja kuba ng'ekuleetera byonna.

## 5.2.6 Alipoota ku Kasitoma ne Suipplier


Alipoota eno eraga ebifa ku Kasitoma wo wamu ne Supplier wo.

Nga bwokiraba mu kifaananyi ku ddyo omutunzi asobola okufuna olukalala lwa bano olwo n'asobola okukolagana nabo obulungi ddala.

Nga bwe twakunnyonnyodde , omutunzi asobola okumanya abaguzi be obulungi era n'abakwata buku





### Alipoota ku Supplier





## 5.3 Akapeesa ka Safety & Navigation

Obutebenkenvu ku nnyanja nsonga nkulu nnyo eri abo bonna abagikozesa era nga bbizinensi zaabwe zitambulira okwo. Ka App kaffe kano kajja kukuyamba nnyo mu ngeri zino

Tekinologiya asoma mmaapu ku nnyanja ng'omanya wa wooli ne wa w'olaga
Okukujjukiza ku byonna by'olina okukola okwetangira obubenje
Okukumanyisa ku ntebeereza y'obudde notambula nga weeteeseteese bulungi.
Okukukakozesa okumanyisa be kikwatako nga wabadde waguddewo obuzibu obutali bumu



## Weather and navigation mode of function




Okuwumbawumba

App version documented: 1.2.7 /Android

BIKUNGANYIZIDDWA :
FFOU and SPOTON WEB UG. LIMITED

## 5.4 Akapeesa ka Fishing and Breeding Sites




Bwonyiga ku kapeesa ka Fishing and breeding sites ojja kuba osobola okumanya enfo omuvubwa ezikwetoolodde . Wano tukulaga ezimu ku nfo omuvuluuja ebyennyanja ku nnyanja Victoria/Nalubaale

**Office,**
WABYONA PLAZA, 2ND FLOOR
BWEYOGERERE, JINJA RD

**Contact Us,**
FEDERATION OF FISHERIES
ORGANISATIONS UGANDA

**Web,**
www.ffou.org
www.abavubi@ffou.org
abavubi@ffou.org

**Telephone,**
**+256414583081**
**TOLL FREE**
0800220633